# »Omuddo ogwewuunyisa oguluubirirwamu okwongera ku mata mu bulunzi bw‘ensolo ez‘amata – omuddo ekika kya Brachiaria ekitundu ekisooka«

Obungi bw‘amata agava mu nte mu Kenya buteeberezebwa okubeera wakati wa kkiro lukumi mu bisatu okutuuka ku kkiro enkumi nnya mu bitaano mu nsanvu mu ttaano buli nte buli mwaka okuva mu bika eby‘enjawulo eby‘ensolo ez‘amata.

Enjawulo mu bungi bw‘amata agazivaamu esinziira ku kubeerawo kw‘emmere ey‘omutindo, enjawulo mu lulyo lw‘ensolo n‘enkola ez‘ennunda, oluvannyuma ekisinziira ku by‘obulimi n‘obulunzi awamu n‘abantu mu kitundu. Omuddo ekika kya Brachiaria, ku ludda olulala muddo munnansi ku lukalu lwa Africa naye gugenze gusaasaanira wonna. Gye buvuddeko gwayongerwako omutindo ne guvaamu ebika ebirungi ddala era ebika ebimu birimwa nnyo mu Kenya. Ekika kya mulato 2 eky‘omuddo gwa brachiaria gukula mangu, mu myezi esatu guba gutuuse era guyinza okusalwa omulundi ogusooka.

## Okuliisa ensolo ez‘amata

Ensolo ey‘amata ekozesa ebitundu bisatu ku buli kikumi ku buzito bwayo era ku bitundu ebisatu ku buli kikumi, emmere gy‘erya etwalako kyenkana ebitundu kyenda mu munaana ku buli kikumi. Ensolo ey‘amata enkulu eteeberezebwa okuba n‘obuzito obuli wakati wa kkiro enkaaga n‘ekikumi, nga erya ebirungo bya kkiro bbiri n‘obutundutundu bubiri wamu n‘ebyongerwa mu mmere y‘ensolo ebiweza ggulaamu okuva ku kikumi okutuuka ku kikumi mu ataano.

okukozesa emmere y‘ensolo ey‘omutindo ogwa waggulu ereetera

okufuna amata amangi era ekendeeza ensaasaanya engeri gye kiri nti emmere etwala ebitundu nsanvu ku buli kikumi ku bisaasaanyizibwako ssente mu bulunzi bw'ensolo ez'amata mu nkola ey'obulunzi esaliddwawo.

## Embeera omuddo mwe gukulira

Omuddo gwa Brachiaria n'ebikoola byagwo ebirina kiragala omukwafu ku mabbali guleeta ensigo ate nga si bwe kiri mu bisagazi. Omuddo guwanvuwa okutuuka ku buwanvu bwa mmita emu n'ekitundu mu ttaka erisaanidde n'embeera y'obudde ennungi. Embeera y'obudde erina okubeeramu obungi bw'enkuba obuweza mmirimita lusanvu mu mwaka n'ebbugumu lya kigero ekitasussa ddiguli kkumi na mwenda.

omuddo guno gukula bulungi ku ttaka erisinga obungi okuggyako ebbumba. Era gukula bulungi mu bitundu ebiri mu buwanvu bwa mmita wakati w'olunaana n'olukumi mu olunaana. So nga ku bisagazi, ekirungo ekizimba omubiri ekya protein omukwafu kiri wakati w'ebitundu musanvu n'ebitundu kkumi ku buli kikumi bw'ogeraageranya n'ebitundu kkumi na munaana ku buli kikumi eby'ekirungo ekiziba omubiri ekya protein omukwafu mu muddo gwa brachiaria.

## Emigaso

Amakungula ga brachiaria gatemera wakati wa ttani kkumi na munaana n'abiri ez'omuddo okuva mu buli yiika. Nga gukaziddwa era ne gusibwa wamu nga emmere y'ensolo ekika kya hay, guvaamu ttani munaana n'ekitundu ku ttani kkumi. Omuddo ekika kya rod guvaamu ttani munaana enz'omuddo omubisi. Omuddo gwa brachiaria gwe gwagalwa era gulimu emiganyulo engeri gye guvaamu omuddo omungi okuva mu bugazi bwa hectare mukaaga okutuuka ku hectare kkumi na bbiri.

Muddo ogulimu ennyo ekirungo kya fibre ekiyamba mu kukuba emmere mu lubuto, gwongera ku bungi bw'amata ebitundu ana ku buli kikumi, gugumira ekyeya okumala emyezi etaano ku mukaaga.

Gusobola okugumira olunnyo n‘ettaka eritali lya lunnyo era gugumira ebitonde ebyonoona ebirime awamu n‘endwadde.